**15th December 2019.**

# MUKAMA YATUFIIRIRA TUBE BALAMU MU ERA NAYE.

**I Abasessaloniika 5:9-11.**

Amakya ga leero mu kweyongerayo kwaffe mu nsomesa zaffe ezikomekkereza omwaka, wansi w'omulamwa omukulu 'Gw'okubaawo mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo'(Living in light of Eternity), ogusinziirizibwa mu byawandiikibwa mu ssuula ey'okutaano ey'ebbaluwa ya Paulo eri Abasessaloniika esooka. Mwe twaakiraba, era ne tukakasibwa okusooka nti "Tuli baana ba musana era abaana b'obutangaavu, ekitugwaanyisa okuba n'empulira y'okubeera kye tuli (sense of belonging). Nga n'omulundi ogwaggwa twaalaba ebyo byetugwaanidde okkola, endowooza n'empisa awamu n'endabika ebitugwaanidde okubeera kye tuli, tuleme kuba kye tutali, era nga leero tuweebwa ensonga enkulu ey'ebyo byonna waggulu.
Bwe tusoma ennyiriri ze tunnassaako essira leero, ez'omwenda okutuuka ku kumi n'olumu ezisoma nti………

Omuntu w'aweebwa 'ensonga lwaki', ey'ebyo ebirina okuba ebikulu mu bulamu bwe kimuwa okutegeera amakulu g'ebyo ebimweetaaza, n'afuna obukakafu ng'abiluubirira nti kyaabaako abeerera ddala ku mulamwa, ne kimusobozesa okuba 'focused' mu byaakola, oba byaaliko, era omunyweevu mu bbyo, awamu n'okuddizibwaamu essuubi n'amaanyi mu kubiluubirira.
Bwe tutunulako mu ssuula esooka mu bbaluwa eno, tukiraba ekifaanani Paulo kyaawa ku nsonga eyo bwe yagamba ………[I Abasess. 1]

Mu ngeri okulondebwa kwa Mukama Katonda Kitaffe kw'obulamu bwaffe, kitulagwa mu II Abasess. 2:13-17 ekisoma nti "Naye kitugwanidde okwebazanga Katonda ennaku zonna ku lwammwe, ab'oluganda abaagalwa mu Mukama waffe, kubanga Katonda yabalondera obulokozi okuva ku lubereberye, ng'abatukuza olw'okukola kw'Omwoyo n'okukkiriza amazima, ge yabayitira ng'ayita mu Njiri yaffe mulyoke mufune ekitiibwa kya Mukama waffe Yesu Kristo. N'olwekyo ab'oluganda, munywererenga ku ebyo bye twabayigiriza mu bbaluwa zaffe oba mu bigambo byaffe. Kale Mukama waffe Yesu Kristo yennyini, ne Katonda Kitaffe eyatwagala

n’atuwa essanyu n’essuubi eddungi olw’ekisa kye, abazzeemu amaanyi, era abanywezenga mu buli kye mukola ne mu buli kigambo ekirungi.”

Nti tulina okutambulira mu ndowooza y’okweebazanga nnyo Mukama olw’ekyo. Ne mu buweereza bwe, Yesu yali yagamba abayigirizwa, nti okusinga byonna, beebaze nnyo Mukama nti amannya gaabwe gaali mawandiike mu kitabo ky’obulamu. (Lukka 10:17-21)

Okuba nti Katonda yatulondera obulokozi okuva ku lubereberye nga n’okubitegeera tetubitegeera, wadde obbisaanira, kiyitirivu nnyo, era tugwaanidde okkitwalanga omukisa omunene ennyo gye tuli gwe tusiima ennyo, engeri etuleetera okubaawo mu ssuubi ly’obulamu obutaggwaawo.

N’ekirala nti Mukama atutukuza olw’okukola kw’Omwoyo n’okukkiriza amazima, kikulu nnyo okumanya, ne twewaayo eri Omwoyo we okkolanga mu ffe omulimu gw’ottufuula kye yatulondera, nga by’ebyo bye twaalaba omulundi ogwaggwa, era nga bwe tunyweeza okukkiriza kwaffe okw’amazima g’enjiri ya Yesu Kristo, kubanga bye bitusobozesa okuba n’ekitiibwa kya Mukama waffe Yesu Kristo.

N’olwekyo bwe tunywererenga ku ebyo, Mukama waffe Yesu Kristo yennyini, ne Katonda Kitaffe eyatwagala atuwa essanyu n’essuubi eddungi olw’ekisa kye, n’atuzzaamu amaanyi, era n’atunywezenga mu buli kye tukola ne mu buli kigambo ekirungi.

**Lnny 10.** Mukama yatulonda okutulokola ng’ayita mu Mukama waffe Yesu Kristo, eyatufiirira ka tube nga tuli balamu oba nga tufudde, tulyoke tubeere balamu wamu naye.

Baruumi 14:7-9 “Kubanga tewali n’omu ku ffe abeera omulamu ku bubwe yekka, era tewali n’omu afa ku lulwe. Kubanga bwe tuba abalamu, tuba balamu ku bwa Mukama, oba bwe tufa, tufa ku bwa Mukama. Kale nno bwe tuba abalamu oba bwe tufa, tuli ba Mukama. Kubanga ekyo Kristo kye yafiira ate n’abeera omulamu, alyoke abeere Mukama w’abo abaafa era n’abalamu.”

**Lnny 11.** **……**…

Kikola bulungi nnyo bwe tugumyagananga era ne tuzimbagananga mu Mukama waffe olw’ebyo buli kiseera.